# Bw'oziyiza omwana omuwere obutakwatibwa kawuka ka siriimu

**BUUZA OMUSAWO**

**DR. Nelson Musoba, akulira ekitongole ekikwanaganya emirimu ku nsonga z'akawuka ka ssiriimu mu ggwanga ekya Uganda Aids Commission attaanya ku nsonga y'akawuka ka siriimu mu baana.**

**Kitegeeza ki okubeera n'omwana omuwere ng'azaaliddwa n'akawuka ka siriimu?**

Wano tubeera twogera ku mbeera y'omwana omuwere bw'afuna akawuka ng'azaalibwa ng'akaggya ku maama. Engeri ezimu abaana bano mwe bayita okufuna akawuka kano kibeerawo ng'omwana akyali mu lubuto lwa maama nga tannazaalibwa. Oba olumu kijja maama bw'aba azaala omwana ono akawuka n'akafuna nga kava mu musaayi gw'afulumya ng'azaala.


**Ngeri ki endala omwana mw'asobola okufuna akawuka ka siriimu ng'akaggya ku maama?**

Omwana era akawuka asobola okufuna nga maama amuyonsa kuba akawuka kano ebiseera ebisinga kabeeramu mu mabeere maama g'ayonsa omwana era nga wano kyangu okukafuna.

**Olwo maama akole atya okuziyiza omwana we okukwatibwa akawuka?**

Ekisinga obulungi taata ne maama kusooka kwekebeza ne bamanya bwe bayimiridde ng'omukyala tannafuna lubuto ne bw'amala okulufuna era ne baddamu ne beekebeza bombi.

Okwekebeza akawuka eri abafumbo kibakakatako omukyala bw'abeera olubuto era abasajja bakubirizibwa okugendanga ne bakyala baabwe okunywa eddagala okusobola okukakasa obulamu bwabwe bwe buyimiridde n'omwana ali mu lubuto. Era wano abasawo babawabula ku kye muteekeddwa okukola singa musangibwa nga mulina akawuka oba ng'omu ku mmwe akalina.



Dr. Nelson Musoba akulira Uganda Aids Commission.

**Olwo Uganda ekozeewo ki okusobola okumalawo akawuka ka siriimu mu baana abato abazaalibwa?**

Nga eggwanga, ekiruubirirwa kyaffe kukakasa nti, we tunaatuukira mu mwaka 2030 nga tewakyali mwana azaalibwa ng'alina akawuka ka siriimu. Okugeza mu mwaka gwa 2010, twalina abaana emitwalo 2 abazaalibwa n'akawuka. Naye kati we twogerera tulina abaana nga 4,000 bokka abazaalibwa nako. Kino tekikkirizibwa naye nga twagala tubeere nga tetulina n'omu.

**Olwo kiki ekiyinza okukolebwa okulaba ng'ennamba etuukira ddala ku zero?**

Twetaaga abakyala bonna abali embuto okugenda mu malwaliro okunywa eddagala. Ate era n'abaami baabwe bateekeddwa okuwerekerangako bakyala baabwe nga bagenda okunywa eddagala. Balina okugoberera ebiragiro by'omusawo okusingira ddala maama obutayonsa mwana singa asangibwa nga mulwadde. (Naye nga bw'akoseza bulungi eddagala, n'ebiragiro by'abasawo, asobola okuyonsa).

**Tuwe obubaka obusembayo ku nsonga eno?**

Buli ku mpiso eziyiza obutafuna kawuka ka siriimu. Eno esobola okuyamba bamaama abatalina kawuka kyokka nga balina emikisa egikafuna nga balina embuto. Era nsaba oba nkubiriza bamaama bonna okugenda mu malwaliro ga Gavumenti babuuze abasawo ebikwata ku mpiso eziyiza obutafuna kawuka ka siriimu. Eno ejja kubayamba nnyo okubakuuma nga tebalina kawuka wamu n'abaana baabwe be bagenda okuzaala.

**Nga bwe yabitegeezezza KHASIFAH NAAVA.**